
OBWAKABAKA BWA BUGANDA
(KINGDOM OF BUGANDA)

# ENKOLA ENTONGOLE KU KWABYA OLUMBE



"Kyasooka okukubibwa mu 2023,
kyaddiddwamu okukubibwa mu 2026"

# Endagiriro


**I. Ennyanjula .......... 02**

**II. Obubaka bwa Minisita .......... 04**

**Iii. Obubaka bw'Omukubiriza w'Olukiiko lw'Abataka b'Obusolya .. 06**

1.0. Empisa y'okwabya olumbe mu Buganda .......... 08

2.0. Obwetaavu bw'enkola entongole ku kwabya olumbe .......... 09

3.0. Ebigendererwa by'Enkola eno .......... 10

4.0. Enkola erina okugobererwa mu kwabya olumbe .......... 11

**iv. Ebbaluwa Entongole Etambuza Olumbe .......... 14**

**v. Ebbaluwa Entongole mu Kwabya Olumbe .......... 15**

# I. Ennyanjula

Obusika, obutambuzibwa mu mpisa y'okwabya olumbe bwe buyungiro bw'endyo zaffe n'obukulembeze mu bika byaffe. Kino kifuula empisa eno okuba ey'enkizo ennyo mu buwangwa n'ennono zaffe. Nga tuyita mu busika, tumanya obuvo bwaffe n'ebyafaayo ebikulu ebitukwatako bye tulina okukuuma obutiribiri. Obuvo buno bukkaatirizibwa mu kulamya n'okusomesa okukolebwa nga tukuŋŋaanye mu kwabya olumbe. Olw'obukulu bw'empisa eno mu kutwala mu maaso endyo zaffe, kitukakatako ffenna okuginyweza.

Empisa ey'okwabya olumbe kwe kwesigamizibwa obukulembeze mu bika byaffe, emu ku mpagi essatu ezitambuza Obwakabaka era ebika birina emirimu emikulu mu nnono gye biweereza ewa Ssaabasajja Kabaka ne Obuganda bwonna. Kino kitulaga obwetaavu bw'okunyweza empisa eno olwo tube n'obukakafu nti emirimu egyo gikolebwa abantu abatuufu.

Mu kaweefube w'okuzza Buganda ku ntikko, okukuuma n'okutumbula obuwangwa n'ennono y'emu ku nsonga enkulu ze twesigamako. Ensonga eno esimbidde ddala mu Ssemasonga asooka "Okunyweza, okukuuma n'okutaasa Nnamulondo". Kino kyongera okuggumiza obwetaavu bw'okunyweza empisa eno kubanga y'emu kw'ezo eziwaniridde Nnamulondo.

Okukuuma empisa enkulu ng'eno kulina kukolebwa mu bugenderevu naddala mu kiseera ng'empisa zaffe zivuganya



Enkola Entongole ku Kwabya Olumbe



n'eziva mu mawanga amalala naddala ag'abeeru, abantu abamu ze balowooza nti ze ziri ku mulembe. N'olwekyo, Obwakabaka kwe kuvaayo n'enkola eno entongole erina okugobererwa mu kwabya olumbe, kitusobozese okussa mu nkola ennambika eyakolebwa Abataka Abakulu b'Obusolya.

Enkola eno newaakubadde egendereddwa okukuuma ebyo bajjajjaffe bye baatulekera, eyongeddwamu ebintu eby'omulembe guno naddala okussa essira ku kuwandiika n'okukuuma ebiwandiiko ebikwata ku basika bonna okutuyambanga buli lwe tunaabanga tubyetaaga. Nkakasa nti Obuganda bwonna bwe butambulira ku nkola eno, emigozoobano enkumu egibadde mu bika byaffe tujja kugivvuunuka.

Twebaza nnyo Minisitule evunaanyizibwa ku nsonga z'obuwangwa ne Olukiiko lw'Abataka, olwa kaweefube gwe batadde mu kukola enkola eno era tukakasa nti ttoffaali ddene mu kuzza Buganda mu kifo kyayo eky'oku Ntikko.

**Ssaabasajja Kabaka Awangaale!**

**Charles Peter Mayiga**
**KATIKKIRO**

## II. Obubaka bwa Minisita

Enkaayana ezisinga mu mpya zaffe ensangi zino zivudde ku ngeri etali nnuŋŋamu gye tutambuza ensonga ezikwata ku kwabya olumbe n'obusika. Bajjajjaffe baatuteerawo enteekateeka ennambulukufu, etuyamba okugonjoola ensonga ezisigalira ng'omuntu afudde era ng'entikko yaayo gwe mukolo gw'okwabya olumbe, abooluganda kwe bakuŋŋaanira okumaliriza ensonga z'omugenzi n'okumuteerako omusika.

Enkola eno erimu okutambuza olumbe ku mitendera egy'enjawulo mu kika, okubikira abakulu muzzukulu waabwe eyazzaawa n'okubasaba okumwabiza olumbe afune omusika. Kino kyongera amaanyi mu ssiga ly'ebika, okunyweza oluganda n'okuzuula ensonga z'omugenzi ezaali tezimanyiddwa.

Bwe tusula mu lumbe, abakulembeze mu bika batuula n'abazzukulu okugonjoola ensonga zonna ezibaawo n'okubamanyisa ebikwata ku bika byabwe n'ensonga endala. Buli mukolo n'obulombolombo obw'enjawulo ebikolebwa mu mpisa eno birimu ensonga enkulu mu buwangwa bwaffe.

Olw'enkyukakyuka ezibaawo okuva ku mulembe ogumu okudda ku mulala, twesanze ng'abantu bagenda baseeseetuka okuva ku nkola ey'ennono erina okugobererwa mu kwabya olumbe. Okuseeseetuka kuno kuva ku butamanya oba okwesuulirayo ogwannaggamba ku ludda lw'abakulembeze n'abazzukulu.







Twebaza Bajjajja Abataka Abakulu b'Obusolya olw'okuwabula n'okuluŋŋamya kwe bakoze okulaba ng'omulimu guno guggusibwa nga gwesigamizibwa ku *Nnambika entongole ku mpisa y'okwabya olumbe n'obusika* gye baatukolera. Tukubiriza Obuganda bwonna okwettanira enkola eno kitusobozese okudda ku musingi bajjajjaffe gwe baateekawo era oguyamba ennyo okunyweza oluganda mu mpya zaffe.

Ssaabasajja Kabaka Awangaale!



**Kyewalabye Male David**
**MINISITA W'OBUWANGWA, OBULAMBUZI N'EMBIRI**

## Iii. Obubaka bw'Omukubiriza w'Olukiiko lw'Abataka b'Obusolya

Abataka Abakulu b'Obusolya mu buvunaanyizibwa bwaffe nga bamukuuma nnono n'obuwangwa mu Bwakabaka bwa Buganda, nga tuli wamu ne Gavumenti ya Ssaabasajja Kabaka, tukoze enkola eno ey'okubbulula empisa y'okwabya olumbe n'obusika mu Buganda.

Empisa y'okwabya olumbe n'obusika y'emu kw'ezo ezizze zidobonkana naddala olw'ebiseera by'obuyuguumo bye tuzze tuyitamu, embeera eno yafuuka mafuta agakoleeza enkyukakyuka mu ngeri omukolo guno gye gukolebwamu ensangi zino. Emitendera mingi egirambikibwa mu nnono abantu baffe gye basudde, era nga bangi omukolo gw'okwabya olumbe gwe bakola gwava dda ku nnono entuufu.

Omudobonkano mu kwabya ennyimbe gutwaliddemu Obwakabaka bwonna, n'olwekyo nga tulambikibwa ekitabo 'Empisa y'Okwabya Olumbe lw'Omuganda Entongole' ekyategekebwa Abataka Abakulu b'Obusolya, twakkiriziganya ku nsonga enkulu ez'okugoberera okutuukiriza ekigendererwa era twayisa bino wammanga: Enkola entongole ku kwabya olumbe; ebbaluwa entongole etambuza olumbe; n'ebbaluwa entongole mu kwabya olumbe.

Nkubiriza bazzukulu baffe yonna gye muli okugoberera enteekateeka eno kubanga egendereddwamu okulongoosa empisa yaffe enkulu ennyo ey'okwabya olumbe n'okulambika





Enkola Entongole ku Kwabya Olumbe



obusika. Okunyweza empisa zaffe kituyamba okutambulira ku butonde bwaffe Nnamugereka bwe yatugerekera, era musingi mukulu mu kwaŋŋanga ebisoomoozo mu nsi yattu n'okutebenkera nga tunoonya enkulaakulana gye tulinako obusinziiro wano ewaffe we twatonderwa ne tuwangibwa mu buwangwa bwaffe.

Twebaza abasobozesezza enkola eno okuteekebwateekebwa n'okussibwa mu nkola.

Wangaala ayi Ssaabasajja Kabaka Ssaabataka!



**Omutaka Nnamwama Augustine Kizito Mutumba**
**OMUKULU W'EKIKA KY'EKKOBE ERA OMUKUBIRIZA W'OLUKIIKO LW'ABATAKA B'OBUSOLYA**

@ObwakabakabwaBuganda2023

## 1.0 Empisa y'okwabya olumbe mu Buganda

Okwabya olumbe gwe mukolo ogusembayo ogukolebwa ng'omuntu afudde. Omukolo guno gulina kubaawo oluvannyuma lw'ebbanga waakiri lya myezi mwenda oluvannyuma lw'okuziika omugenzi. Newaakubadde abantu abamu balowooza nti okwabya olumbe kwekuusa ku lumbe olwatta omugenzi, erinnya ly'omukolo guno lisimbulizibwa mu kalombolombo k'okwabya ensiisiira akakomekkereza omukolo guno.

Empisa y'okwabya olumbe gwe musingi gw'obusika n'obukulembeze ku mitendera egy'enjawulo mu bika byaffe. Empisa eno eyamba okulambika ensikirano mu bika, okukuuma omusaayi gwaffe n'okutereeza ensonga eziwerako mu bika. Ekyo nno kye kigifuula nnamuziga ebika kwe bitambulira.

Ku mukolo guno, ebikolebwa byonna biyamba abaaviibwako omuntu waabwe okufuna essuubi ly'okutambuza obulamu obuggya n'okuwa omusika omusingi kw'alina okutambuliza obukulembeze obumuweebwa. Okukungubaga mu Buganda okutandika ng'omuntu afudde kukomekkerezebwa n'okwabya olumbe era awo ensonga z'omugenzi zonna we zimalirizibwa.

Obukulu bw'okwabya olumbe bweyolekera mu mitendera, obulombolombo n'emikolo egy'enjawulo egikolebwa omuli okutambuza olumbe ku mitendera gyonna mu kika; okusula mu lumbe; okusumika omusika; okusumikira omusika; okuggya bamulekwa ku kifugi; n'emikolo egidda ku bannamwandu n'abako. Ensonga ezo zonna zirambululwa mu ***'Ennambika entongole ku kwabya olumbe n'obusika'*** eyakolebwa Abataka Abakulu b'Obusolya.



## 2.0 Obwetaavu bw'enkola entongole ku kwabya olumbe

Emirembe bwe gizze gitambula, ebintu bingi bizze bikyuka mu mpisa zaffe ez'enjawulo. Kino nno kivudde ku mbeera y'okuba nga tewali kuluŋŋamizibwa kwa njawulo ku nsonga eno; so nga ate, ebiseera ebimu abantu bakikoze kagenderere okusaanyawo ennono zaffe nga beerimbika mu ddiini, enkulaakulana n'obuyigirize.

Empisa y'okwabya olumbe n'obusika y'emu kw'ezo ezisinze okuseeseetulwa, olw'enkyukakyuka mu ngeri omukolo gw'Olumbe gye gukolebwamu ensangi zino. Emitendera mingi egirambikibwa mu nnono abantu gye basudde, era nga bangi omukolo gwe bakola gwava dda ku nnono entuufu.

Oluvannyuma lw'okulaba embeera eno n'akabaate akayinza okugivaamu, Olukiiko lwa Buganda lwayisa ekiteeso Obwakabaka buveeyo n'enkola entongole erambika abantu ku nkola entuufu omukolo guno gye gulina okutambuzibwamu. Olw'okuteeka mu nkola ekiteeso kya Olukiiko lwa Buganda, Obwakabaka nga buyita mu Minisitule y'Obuwangwa, ne Olukiiko lw'Abataka Abakulu b'Obusolya kwe kuvaayo n'enkola eno entongole erina okugobererwa Obuganda bwonna mu kwabya olumbe.

## 3.0 Ebigendererwa by'Enkola eno

i. Okunyweza obuwangwa n'ennono mu kwabya ennyimbe.

ii. Okunyweza obukulembeze obw'ensikirano n'ebifundikwa mu bika.

iii. Okukendeeza endooliito eziva mu nkaayana z'ebyobusika.

iv. Okukendeeza emisango gy'obusika n'obukulembeze bw'ebika mu Kkooti ya Kisekwa.

v. Okulambika enkolagana wakati w'obuwangwa n'eddiini.



## 4.0 Enkola erina okugobererwa mu kwabya olumbe

i. Okwabya olumbe mu Buganda kulina kutambulira ku ***'Ennambika entongole ku kwabya olumbe n'obusika'*** eyafulumizibwa Abataka Abakulu b'Obusolya.

ii. Olumbe lurina kwabizibwa nga wayiseewo ekiseera kya myezi mwenda. Tewali lumbe lulina kwabizibwa ng'abaziisi baakava e magombe oba nga tebannaba kuziika.

iii. Omukulu w'Olunyiriri y'alina obuvunaanyizibwa okulonda Omusumisi anaasumika omusika wa muzzukulu we.

iv. Omukolo gw'okwabya olumbe gulina kutambulira ku nkola ya buwangwa na nnono era Omusumisi y'agukulemberamu. Omusumisi ateekwa okukakasa nti obulombolombo bwonna obudda ku mukolo ogwo butuukirizibwa n'okufuba okunnyonnyola abantu amakulu agabulimu.

v. ***'Ebbaluwa entongole etambuza olumbe' ne 'ebbaluwa entongole mu kwabya olumbe'*** by'ebiwandiiko ebitongole ebinaagobererwanga mu kwabya olumbe mu Buganda.

vi. ***'Ebbaluwa entongole etambuza olumbe'*** abazzukulu basobola okugifuna okuva mu woofiisi y'Abataka b'Obusolya mu Bulange e Mmengo, ku butaka bw'ebika, ku mbuga za Obwakabaka eza gavumenti ez'ebitundu oba omutimbagano gwa Obwakabaka (www.buganda.or.ug).

vii. Olumbe lulina okutambuzibwa ku mitendera gy'obukulembeze gyonna mu Kika nga tweyambisa ***'ebbaluwa entongole etambuza olumbe'.*** Enteekateeka eno enaakulemberwanga omukulu w'Ennyumba ng'atambulira wamu ne bamulekwa.

viii. Mu kutambuza olumbe, abakulu ku mitendera egy'enjawulo mu Kika bajja kuteekanga omukono ku bbaluwa etambuza olumbe okukakasa nti balusiibudde lweyongereyo okutuuka ku mutendera ogusembayo. Ku mutendera ogusembayo, olumbe lunaasiibulwanga mu butongole ku lw'Omukulu w'Ekika.

ix. Oluvannyuma lw'olumbe okusiibulwa ku Kasolya, ebbaluwa etambuza olumbe eddizibwayo mu woofiisi y'Abataka Abakulu b'Obusolya ku Bulange e Mmengo, kibasobozese okufuna ***'ebbaluwa entongole mu kwabya olumbe'.***

x. Ku lunaku lw'okwabya olumbe, Omusumisi anajjuzanga ***'ebbaluwa entongole mu kwabya olumbe',*** ettottola ebikwata ku musika ne lubuga we. Ebbaluwa eyo ejja kuteekebwangako omukono gw'omukulu w'ennyumba n'ebikwata ku musumisi. Kkopi y'ebbaluwa ejjuziddwa oluvannyuma lw'olumbe ekomezebwawo mu woofiisi y'Abataka ku Bulange e Mmengo, oba okuweerezebwa ku mutimbagano okumanyisa Gavumenti ya Kabaka ebikwata ku musika era bikuumibwe.

xi. Okusabira omwoyo gw'omugenzi okukolebwa abakulembeze b'eddiini kulina kubaawo ng'emikolo gy'okusumika, okusumikira n'emikolo gy'ennono emirala nga giwedde.

xii. Ennyimbe zonna n'emikolo gy'okutuuza abakulu ku mitendera egy'enjawulo mu bika zinaalangibwanga okumala emyezi esatu nga buli mwezi bayisa waakiri ekirango kimu ku laadiyo CBS oba ku mikutu egy'Obwakabaka emirala emitongole.





xiii. Okutuuza Abataka Abakulu b'Obusolya n'abalina ebifundikwa ebiriko emirimu egy'enkizo kujja kugobereranga enkola eyayisibwa Olukiiko lw'Abataka n'ennono y'ekika nga bw'erambika.

xiv. Abalina ensonga yonna eyinza okugaana olumbe olulagiddwa mu (xii) okwabizibwa balina okuteekayo okwemulugunya kwabwe eri be kikwatako mu Kika mu mwezi ogusooka kisobozese ekika okugonjoola ensonga ezo.


xv. Oluvannyuma lw'okwetegereza ensonga ezinaaletebwanga mu (xiv) ekika nga kiyita mu nkola ekumaakuma abazzukulu kinaawanga ensala ku nsonga eyo era anaabanga tamatidde wa ddembe okujulira ewa Minisita avunaanyizibwa ku nsonga zino mu Gavumenti ya Kabaka.

xvi. Okusaba okuyimiriza olumbe oba omukolo ogw'okutuuza omukulu ku mitendera egy'enjawulo mu Kika kulina okukolebwa nga wabulayo ebbanga eritakka wansi wa mwezi gumu okutuuka ku mukolo ogwo.

xvii. Olumbe lwonna olunaayabizibwa nga terugoberedde nkola eno, gamba nga: okwabizibwa nga abaziise baakava e magombe oba nga tebannaziika; omukazi okusikira omusajja oba omusajja okusikira omukazi; olumbe olwabizibwa nga terutambuzibbwa; olumbe olwabizibwa omusumisi atali mutongole; n'ebirala ebigwa mu kkowe eryo, nga ennambika entongole ku kwabya olumbe bw'erambika, terujja kukakasibwanga mu Bwakabaka, era lulibalwanga ng'olutaabizibwanga.

**Ssaabasajja Kabaka Awangaale!**

# iv. Ebbaluwa Entongole Etambuza Olumbe



OBWAKABAKA BWA BUGANDA

OLUKIIKO LW'ABATAKA ABAKULU B'OBUSOLYA

EBBALUWA ENTONGOLE ETAMBUZA OLUMBE

Akafaananyi k'Omugenzi

OBUTUUZE BW'OMUGENZI

Ekyalo

Omuluka

Eggombolola

Essaza

Disitulikiti

Erinnya ly'Omutongole

Omukono Ennaku z'Omwezi/Envumbo

1 |Omuko

*EBIKWATA KU MUGENZI*

Erinnya Omuziro

Ekyalo gye yabeeranga Omuluka

Eggombolola Essaza

Ennaku z'Omwezi 1) Lwe yazaalibwa 2) Lwe yafa

Azaalibwa 1) Taata 2) Maama

Ababeera/Abaali babeera Omuluka

Eggombolola Essaza

Muzzukulu wa Muzzukulu wa

Obuvunaanyizibwa mu Kika

Omuwendo gwa Bannamwandu/Omulangambi be yaleka

Omuwendo gw'Abaana be yazaala Abalenzi Abawala

Olunaku lwe yaziikibwa NIN

Gyeyaziikibwa

*ATAMBUZA OLUMBE*

Omukulu w'Ennyumba Essimu

Olunaku Olumbe lwe lusuubirwa okwabizibwa

Omugenzi yalaama: (Yee/Nedda/Tetumanyi)

*EMITENDERA GY'OKUTAMBUZA OLUMBE*

| Omutendera | | Lwabizibwe: Yee/Nedda | Omukono, Envumbo |
|---|---|---|---|
| Ennyumba | Erinnya ly'omukulu | | |
| | | | |
| Oluggya | Erinnya ly'omukulu | | |
| | | | |
| Olunyiriri | Erinnya ly'omukulu | | |
| | | | |
| Omutuba | Erinnya ly'omukulu | | |
| | | | |
| Essiga/Nda/Lunyiriri lwa Kasolya | Erinnya ly'omukulu | | |
| | | | |

2 |Omuko

*OMUSUMISI ALONDEBBWA*

Erinnya Essimu

Obuvunaanyizibwa mu Kika

Azaalibwa: Taata Maama

Muzzukulu wa

Ennyumba Oluggya Olunyiriri

**************************************************

OLUVANNYUMA LW'OKUTAMBUZA OLUMBE NGA BWE KIRAMBIKIBWA MU NNONO N'OBUWANGWA BWAFFE, OLUMBE LUNO LUSIIBUDDWA ABAKULU MU KIKA KYE ........ LWABIZIBWE. EBBALUWA ENO BWE BUJULIZI AB'ENJU BWE BALINA OKUTWALA MU BULANGE E MMENGO OKUFUNA EBBALUWA ENTONGOLE MU KWABYA OLUMBE:-

Ku lwa Woofiisi y'Owaakasolya

Omukono Sitampu/Ennaku z'Omwezi

EBY'OBUGAGGA BY'OMUGENZI

(Musobola okwongerako olupapula olulala bwe biba wano tebiggwerawo)

1.
2.
3.
4.
5.
6.
7.
8.
9.
10.
11.

3 |Omuko

OLUKALALA LW'ABAANA NE BANNAMWANDU/OMULANGAMBI

| ABAANA | | | | |
|---|---|---|---|---|
| No. | Erinnya | Olunaku lwe wazaalibwa | Ennamba y'essimu | Omukono n'ennaku z'omwezi |
| 1. | | | | |
| 2. | | | | |
| 3. | | | | |
| 4. | | | | |
| 5. | | | | |
| 6. | | | | |
| 7. | | | | |
| 8. | | | | |
| 9. | | | | |
| 10. | | | | |
| 11. | | | | |
| 12. | | | | |
| 13. | | | | |
| 14. | | | | |
| 15. | | | | |
| 16. | | | | |
| 17. | | | | |
| 18. | | | | |
| 19. | | | | |
| BANNAMWANDU/MULANGAMBI | | | | |
| | Erinnya | Ekika | Gy'obeera | Essimu n'Omukono |
| 1. | | | | |
| 2. | | | | |
| 3. | | | | |
| 4. | | | | |

SSAABASAJJA KABAKA AWANGAALE!

4 |Omuko





# v. Ebbaluwa Entongole ku Kwabya Olumbe



AKAFAANANYI K'OMUSIKA

OBWAKABAKA BWA BUGANDA

AKAFAANANYI K'OMUFU

EBBALUWA ENTONGOLE MU KWABYA OLUMBE

Ebbaluwa eno ekakasa olwaleero ng'ennaku z'Omwezi .................... Olumbe lw'Omugenzi .................... lwabiziddwa era nga bino wammanga bye bikwata ku musika we:-

Erinnya .................... Mutabani/Muwala wa (Taata) ....................

Muzzukulu wa .................... Ava mu Nnyumba ya ....................

Mu luggya lwa .................... Mu lunyiriri lwa ....................

Mu mutuba gwa .................... Mu Ssiga lya/Nda/Lunyiriri lwa Kasolya ....................

Mu Kasolya ka .................... Omuziro .................... Akabbiro ....................

Mutabani/Muwala wa (Maama) .................... Omuziro .................... Akabbiro ....................

Ekyalo gy'abeera .................... Omuluka .................... Eggombolola ....................

Essaza .................... Disitulikiti .................... NN ....................

Lubuga we ye .................... Muwala wa (Taata) ....................

Muzzukulu wa .................... Ava mu Nnyumba ya ....................

Mu luggya lwa .................... Mu lunyiriri lwa ....................

Oluganda lwa taata we ku mugenzi ....................

Omukulu w'Ennyumba .................... Omukono ....................

SSAABASAJJA KABAKA AWANGAALE

BK GLB 0000000!

Omutaka Nnamwama Augustine K. Mutumba
OMUKUBIRIZA W'OLUKIIKO LW'ABATAKA B'OBUSOLYA

Owek. Charles Peter Mayiga
KATIKKIRO

Owek. Robert Waggwa Nsibirwa
OMUWANIKA

OMUSUMISI: ....................

OBUKULU BWE MU KIKA: ....................

AVA MU NNYUMBA YA: ....................

MU LUGGYA LWA: ....................

MU LUNYIRIRI LWA: ....................

MU MUTUBA GWA: ....................

MU SSIGA LYA/NDA/LUNYIRIRI KWA KASOLYA: ....................

EKIKA: .................. OMUTAKA: .................... OBUTAKA: ....................

OMUKONO GW'OMUKULU W'ENNYUMBA: ....................

ENNAKU Z'OMWEZI: ....................



www.buganda.or.ug